# <u>1 ABASESSALONIIKA 5:1-11 - TWETEGEKERE OKUDDA KWA YESU KRISTO</u>

Mu kitundu kino tugenda kulaba bwe twetaaga okubeera abeeteefuteefu olw’okulindirira Yesu Kristo era tube n’okukkiriza awamu n’essuubi mu ye mu ntambula yaffe mu lugendo lw’obulokozi.

**Vs1-4 Entuuko n’ebiro:  olunaku lwa Mukama**

**Vs5-8 Abaana b’omusana**

**Vs9-10 Tetwateekerwawo busungu bwa Katonda**

**Vs11 Eky’okukozesa obubaka obwo (Okusanyusagana n’okuzimbagana)**

**Vs1-4 Entuuko n’ebiro:  olunaku lwa Mukama**

Pawulo ategeeza Abakkolosaayi bwe bateetaaga kumanya lunku Mukama waffe Yesu Kristo lwanaddirako. Kino kiri nti ebiro by’okuddakwe tebyaweebwa mu bulambulukufu bwa byo ky’ava agamba nti lujja ng’omubbi bwajja ekiro.

Olw’okuba nti olunaku abatakkiriza tebakkiriza nti gyeluli era n’abamu ku bakkiriza beeyisa nga etali biro bya ntuuko, kye baliva boogera ku mirembe era n’obutabaawo kabi.

Naye nga bakyalangirira emirembe ewatali kabi olwo okuzikirira okwamangu ne kubatuukako.

<u>Yeremiya 6:13-15</u> **- *“Kubanga okuva ku muto mu bo okutuuka ku mukulu mu bo buli muntu wa mululu; era okuva ku nnabbi okutuuka ku kabona buli muntu alyazaamaanya.Era bawonyezza ekiwundu ky'abantu bange kungulu kwokka, nga boogera nti Mirembe, mirembe; so emirembe nga tewali.***

***Baakwatibwa ensonyi bwe baamala okukola eby'emizizo? nedda, tebaakwatibwa nsonyi n'akatono, so tebaayinza kumyusa amaaso: kyebaliva bagwira mu abo abagwa: mu kiseera mwe ndibajjirira mwe balisuulirwa, bw'ayogera Mukama.”***

Obwangu bw’olunaku bugeraageranyizibwa ku kulumwa olubuto kw’omukazi agenda okuzaala era ababi/ abatakkiriza tebaliwona.

<u>Matayo 24:36-44</u> **- *“Naye eby'olunaku luli n ekiseera tewali abimanyi, newakubadde bamalayika ab'omu ggulu, newakubadde Omwana, wabula Kitange yekka.Naye ng'ennaku za Nuuwa bwe zaali, bwe kutyo bwe kuliba okujja kw'Omwana w'omuntu.Kuba nga bwe baali ku nnaku ezo ezaasooka amataba nga balya nga banywa, nga bawasa nga bawayiza, okutuuka ku lunaku Nuuwa lwe yayingira mu lyato,ne batamanya okutuusa amataba lwe gajja, ne gabatwala***

***bonna; bwe kutyo bwe kuliba okujja kw'Omwana w'omuntu.Mu biro ebyo abasajja babiri baliba mu kyalo; omu alitwalibwa, n'omulala alirekebwa:abakazi babiri baliba nga basa ku lubengo; omu alitwalibwa, n'omulala alirekebwa.Kale mutunule; kubanga temumanyi lunaku bwe luli Mukama wammwe lw'ajjirako.Naye kino mukitegeere nti Alina enju ye singa yamanya ekisisimuka bwe kiri omubbi ky'anajjiramu, yanditunudde, teyandirese nnyumba ye kusimibwa.Mukale nammwe mweteeketeeke: kubanga mu kiseera kye mutalowoolezaamu Omwana w'omuntu ky'ajjiramu."***

Wabula abakkiriza Kristo olunaku telujja kubasanga nga tebeetegese.

**Vs5-8 Abaana b'omusana**

Abakkiriza baanunulwa okuva mu kizikiza okudda mu kitangaala era nga teri kizikiza mu bo kye kiva kibagwanira okweyisa ng'abalala wabula nga batunula nga balindiririra okudda kwa Yesu Kristo.

Olw'okuba nti abakkiriza baana  ba kitangaala na musana, teri mbeera ya kiro mu bulamu bwa bwe; okwebaka oba okutamiira.

**<u>Abaefeso 5:6-18</u> -** ***"Omuntu yenna tabalimbanga n'ebigambo ebitaliimu: kubanga olw'ebyo obusungu bwa Katonda bujja ku baana abatawulira.Kale temussanga kimu nabo;kubanga edda mwali kizikiza, naye kaakano muli musana mu Mukama waffe: mutambulenga ng'abaana b'omusana (kubanga ebibala by'omusana biri mu bulungi bwonna n'obutuukirivu n'amazima), nga mukeberanga Mukama waffe ky'ayagala bwe kiri; so temussanga kimu n'ebikolwa ebitabala eby'ekizikiza, naye waakiri mubibuulirirenga bubuulirizi; kubanga kya nsonyi n'okubyogerako ebyo bye bakola mu kyama.Naye ebigambo byonna, bwe bibuuliririrwa, omusana gubirabisa: kubanga buli ekirabisibwa gwe musana. Kyava ayogera nti Zuukuka, ggwe eyeebase, ozuukire mu bafu, Kristo anaakwakira. Kale mutunule nnyo bwe mutambulanga, si ng'abatalina magezi, naye ng'abalina amagezi;nga mweguliranga ebbanga, kubanga ennaku zino mbi.Kale temubeeranga basirusiru, naye mutegeerenga Mukama waffe ky'ayagala bwe kiri. So temutamiiranga mwenge, kubanga mu gwo mulimu okwegayaggula, naye mujjulenga Omwoyo;"***

Mutulo ne mukutamiira temuba kwerinda wabula buli kimu kisobola okutuuka kw'abo abeebase oba abatamidde.

Ekikuuma abakkiriza mu kutunula kwe kukkiriza, okwagala, okulokoka awamu n'essuubi ly'obulokozi.

**Vs9-10 Tetwateekerwawo busungu bwa Katonda**

Olunaku lw’okudda kwa Kristo Yesu n’ebiseera eby’okuddirira bigenda kuba biseera bya busungu bwa Katonda naye abakkiriza bagenda kuwona obusungu buno.

**<u>Yoweri 2:30-31</u> - *“Era ndyolesa eby'ekitalo mu ggulu ne mu nsi, omusaayi n'omuliro n'empagi ez'omukka. Enjuba erifuuka kizikiza, n'omwezi okuba omussayi, olunaku lwa Mukama olukulu era olw'entiisa nga terunnaba kujja.”***

Ekigenda okuwonya buli mukkiriza obusungu buno kwe kukkiriza Yesu Kristo okubeera omulokozi w’obulamu bwe.

**<u>Abakkolosaayi 3:3</u> - *“Kubanga mwafa, n'obulamu bwammwe bukwekeddwa wamu ne Kristo mu Katonda.”***

Olw’okubanga nti Yesu yatufiirira kyetuva tugenda okuyitibwako obusungu bwa Katonda ; twakeekebwa mu Kristo Yesu era nga mu ye mwetulina okutalizibwa okutuwa obulamu obutaggwaawo.

Kubanga okufa kwaffe ssi kusaanawo wabula kuyingizibwa mu bulamu obujja mu Kristo Yesu era tekwawukana n’okuba abalamu kwaffe nti mu byonna; okuba abalamu n’okufa kwaffe tuba wamu ne Kristo era tugenda kubeera wamu naye n’oluvannyuma lw’obulamu buno.

**Vs11 Eky’okukozesa obubaka obwo (Okusanyusagana n’okuzimbagana)**

Pawulo ayigiriza Abasessaloniika okusanyusagana era n’okuzimbagana buli muntu ne munne olw’okumanya amazima ago.

Okumanya nti abakkiriza baali bweru w’obusungu bwa Katonda baalina okusinziira ku mazima ago ne basanyuka era ne basanyusa ne bannaabwe ate era nebaddamu amaanyi era ne bazzaamu abalala amaanyi mu bulamu buno obw’obulokozi.

Mu mbeera eri gyetuzze tulaba mu bbaluwa eno ey’okuwakanyizibwa n’okulaba ennaku ku lwa Kristo Yesu waaliwo amizima agaleeta essuubi era nga gano gaakuuma abakkiriza nga basanyufu era nga b’amaanyi mu Mukama waffe Yesu Kristo.

Obubaka buno naffe ekikulu kye tuyinza okubukozesa kwe:

**i) Okusanyuka n’okuddamu amaanyi nga tutambula mu lugendo lw’obulokozi ate ne tusanyusa abalala era ne tubazzaamu amaanyi okunywerera ku Mukama waffe Yesu Kristo.**

**<u>1 Abasessaloniika 5:11</u> - *“Kale musanyusaganenga, era muzimbaganenga buli muntu munne, era nga bwe mukola.”***

**ii) Okunywera obutasagaasagana mu kukkiriza kwaffe.**

__1 Abakkolinso 15:51-58__ **- *“Laba, mbabuulira ekyama: tetulyebaka fenna, naye fenna tulifuusibwa, mangu ago, nga kutemya kikowe, akagombe ak'enkomerero bwe kalivuga: kubanga kalivuga, n'abafu balizuukizibwa obutavunda, naffe tulifuusibwa.Kubanga oguvunda guno,kigugwanira okwambala obutavunda, n'ogufa guno okwambala obutafa.Naye oguvunda guno bwe guliba nga gumaze okwambala obutavunda, n'ogufa guno okwambala obutafa, ekigambo ekyawandiikibwa ne kiryoka kituukirira nti Okufa kumiriddwa mu kuwangula. Ggwe okufa, okuwangula kwo kuli luuyi wa? Ggwe okufa, okuluma kwo kuli luuyi wa? Okuluma kw'okufa kye kibi; n'amaanyi g'ekibi ge mateeka:naye Katonda yeebazibwe, atuwanguza ffe ku bwa Mukama waffe Yesu Kristo.Kale, baganda bange abaagalwa, munywerenga obutasagaasagana, nga mweyongeranga bulijjo mu mulimu gwa Mukama waffe, kubanga mumanyi ng'okufuba kwammwe si kwa bwereere mu Mukama waffe.”***

**iii) Tutunule (tuve mu kwebaka)**

__Matayo 24:42__ **- *“Kale mutunule; kubanga temumanyi lunaku bwe luli Mukama wammwe lw'ajjirako.”***

**iv) Tweteeketeeke**

__Matayo 24:44__ **- *“Mukale nammwe mweteeketeeke: kubanga mu kiseera kye mutalowoolezaamu Omwana w'omuntu ky'ajjiramu.”***

**v) Tusuubire n’okwegomba olunaku olwo**

__2 Peetero 3:10-13__ **- “*Naye olunaku lwa Mukama waffe lulijja nga mubbi; eggulu lwe lirivaawo n'okuwuuma okunene n'ebintu eby'obuwangwa birisaanuuka olw'okwo kebwa okungi, n'ensi n'ebikolwa ebigirimu birisirikka. Ebyo byonna bwe bigenda okusaanuuka bwe bityo, mugwanidde kubeeranga mutya mu mpisa entukuvu n'okutyanga Katonda, nga musuubira nga mwegomba nnyo oltmaku lwa Katonda okutuuka, olulisaanuusisa eggulu nga lyokebwa, n'ebintu eby'obuwangwa ne biseebengerera olw'ebbugumu eringi?Naye nga bwe yasuubiza tusuubira eggulu eriggya n'ensi empya, obutuukirivu mwe butuula.”***

**vi) Twekuumire mu butukuvu n’obutuukirivu**

__2 Peetero 3:14__ **- *“Kale, abaagalwa, kubanga musuubira ebyo, mufubenga okusangibwa mu mirembe nga temulina bbala newakubadde omusango mu maaso ge.”***